# Abantu 300 be bayitiddwa okulamaga e Namugongo mu Bakristaayo

Bya PETER SSAAVA
NE HENRY NSUBUGA

HENRY NSUBUGA



Ssaabalabirizi Kazimba ng'asala akaguwa mu kutongoza emirimu UCU gy'ekoze e Namugongo. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

EKKANISA ya Uganda eyise abantu 300 bokka okwetaba ku bikujjuko by'Abajulizi e Namugongo okusobola okutangira ekirwadde kya Ebola.

Kiddiridde Pulezidenti Museveni okuyimiriza abalamazi okugenda e Namugongo nga bwe kibadde mu myaka egiyise okutangira Ebola mu bantu abava mu bitundu ebirala. Okusinziira ku mwogezi w'ekkanisa ya Uganda, Sadiiki Adams, abagenda okwetaba mu kusaba kuno e Namugongo, baayitiddwa mu butongole, nga tebasuubira mulala yenna.

"Abantu 300 be bagenda okwetaba mu kusaba kuno ku kiggwa ky'Abajulizi Abakristaayo e Namugongo, era buli anaabeerawo yayitiddwa mu butongole, okwewala mujjuzo oguyinza okuvaako okusaasaana kwa Ebola," Adams bwe yayongeddeko.

Yagambye nti, kino baakukikola nga bagoberera ebiragiro bya minisitule y'ebyobulamu omuli obuteesemberera, okwambala masiki, okukeberwa ebbugumu, okunaaba mu ngalo n'ebirala.

Ssaabalabirizi Dr. Stephen Kazimba Mugalu, yasabye Abakristaayo basabire mu Busumba bwabwe. Ku Lwokusatu, yalambudde emirimu egikolebwa aba Uganda Christian University nga be baategese okulamaga kw'omwaka guno n'asiima enkulaakulana gye bataddewo.


Kazimba yalagidde Abakristaayo okujaguliza olunaku luno mu Busumba obw'enjawulo mu Bulabirizi obukola ekkanisa ya Uganda kyokka nga bagoberera ebiragiro bya Gavumenti.

Yagambye nti, ebigenda okugoberebwa e Namugongo bya kuweerezebwa eri abawandiisi b'Obulabirizi kiyambe Abakristaayo okutambulira awamu.

Yategeezezza nti, Uganda Christian University era yaweereddwa ogw'okutegeka okulamaga kw'omwaka ogujja 2027, nga mu kulamaga okwo Abakristaayo mwe bajja okutegeerera abanaategeka okwa 2028.

Yasiimye omulimu gw'okuyoyoota Namugongo ogukolebwa, nga mu kiseera kino kaabuyonjo ez'omulembe zaakoleddwa okuyamba ku balamazi. "Nneebaza aba UCU olw'omulimu gwe bakoze, era abo abaasemba okujja wano e Namugongo mu 2025, muyinza okwekanga ekifo nga mutuuseewo, ebintu bingi ebikyusiddwa ate nga biweesa Katonda ekitiibwa," Kazimba bwe yayongeddeko.

## Kye bagamba



**Davis Peter Opeda :** Gavt. n'abateesiteesi bafube nga bwe basobola obutakkiriza bantu basukkiridde ate balabe nga bagoberera amateeka.



**Daniel Lwanika :** Olw'okutaasa obulamu bw'abantu obutakung'aana mu bungi ky'ekisinga kuba bwe tukung'aana Ebola, yandikwata bangi.



**Betty Hope Nakasi :** Mu 2021 mu COVID 19, yatuteeka ku bunkenke era twali tetukung'aana. Abantu bakkirize nti, ku mulundi guno si birungi.